# Agambibwa okusobezebwako ekirindi awanjagidde poliisi

Bya EMMANUEL SSEKAGGO


Omuwala agambibwa okusobezebwako.

OMUWALA agambibwa okusobezebwako ekirindi awanjagidde poliisi eddemu okukwata abateeberezebwa okumusobyako bavunaanibwe.

Omuwala ono Grace Bisirikirwa 17, (Si ge mannya ge amatuufu) ow'e Kangaraba mu ggombolola y'e Burangira mu disitulikiti y'e Kibuku agamba nti, yasobezebwako mu kiro ekyakeesa nga January 1, 2026 bwe yali ne banne ng'ava okusaba mu kiro ekiyita mu mwaka.

"Twali mwenda kyokka nga nze muwala nzekka aliko. Bwe twatuuka mu kisenyi, twasanga abasajja ne bakuba be nali nabo ne badduka. Abasajja bano bannyingiza ensiko ne bansobyako kirindi ne bankomereza obutayogera," Bisirikirwa bwe yagambye.

Wabula bwe yatuuka awaka yategeeza bazadde be abaddukira ku poliisi ne baggulawo omusango ku fayiro nnamba CRB003/2026. Poliisi yanoonyereza n'ekwata abantu basatu ne baggalirwa ku poliisi y'e Burangira, oluvannyuma ne batwalibwa ku poliisi y'e Kibuku. Ku basatu abaakwatibwa, babiri baateebwa era bali ku kyalo balya butaala.

Musa Owora nga mmwannyina wa Bisirikirwa yagambye nti, baalabira awo nga poliisi ebatadde. Alumiriza abamu ku baali mu musango guno okuba nga baagulirirwa ne baggya abavubuka bano ku ffayiro ekintu ky'ayagala aboobuyinza bayingiremu. Yagambye nti bwe baagenda ku poliisi y'e Kibuku ne bababuuza lwaki bano baateebwa, tebabaanukula ate ng'omwana eyasobozebwako abonaabona.

Omuwaabi wa Gavumenti mu disitulikiti y'e Buyende, Henry Oyende Yoga yagambye nti talina ky'ayogera ku nsonga eno kuba ye mu buli ky'akola agoberera mateeka.